



عُصَمَةٌ كَا اعْلَاجٍ

EDDAGALA ERIWONYA OBUSUNGU

(Luganda)



Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat ng'ono ye
mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulana Abu Bila

Muhammad Ilyas
Attar Qadiri Razavi

كاظمی رضوی
القطنی رضاوی

غُصَّے کا علاج

Ghussay ka 'Ilaj

EDDAGALA LY'OBUSUNGU

Omusomo guno gwabuulirwa Shaykh-e-Tareeqat, Ameer-e-Ahl-e-Sunnat, omutandisi wa Dawat-e-Islami 'Allamah Maulana Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qaadiri Razavi دامت برکاتہرہ علیہ mu Lulimi olwa Urdu. Aba Translation Department (olukiiko oluvunanyizibwa mu kuvvunnula) bavvunnudde omusomo guno nebaguteeka mu lulimi Oluganda. Bw'osangamu ensobi yonna mukuvvunula, tegeeza olukiiko kundagiriro eno wammanga n'ekigendererwa ekyokufuna mu empeera [Sawab]

Translation Department (Dawat-e-Islami)

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran,
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

UAN:  +92-21-111-25-26-92 – Ext. 7213

Email:  translation@dawateislami.net

Eddagala ly'obusungu

Enzivvunnula mu Luganda eya 'Ghussay ka 'Ilaj'

EDDEMBE LYONNA LIKUUMIDDWA

Eddembe ly'okukozesa © 2023 Maktaba-tul-Madinah

Tewali kitundu kya kitabo kino kiyinza kuddibwamu, oba kutambuzibwa, mu ngeri yonna, mu byuma bikalimagezi, oba ekika ky'ebyma byonna, okukoppa, okukwata mu maloboozi oba mu ngeri endala, awatali lukusa mu buwandiike olwa Maktaba-tul-Madinah.

Olufulumya olwasooka: Muḥarram-ul-Ḥarām, 1445 AH – (July, 2023)

Kyavvunnulwa: Maktaba-tul-Madinah

Omufulumya: 500

Omuwendo:

OKUTEEKAMU SSENTÉ

Tukusaba obeere nga oli waddembe okututuukirira bw'oba oyagala okuteekamu ssente okukubyamu ekitabo ky'eddiini oba akatabo olwa Isal-e-Sawab y'ab'omu maka go abaafa.

Maktaba-tul-Madinah

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah Mahallah Saudagran,
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

✉ **Email:** maktabaglobal@dawateislami.net –

maktaba@dawateislami.net

☎ **Phone:** +92-21-34921389-93 – 34126999

💻 **Web:** www.dawateislami.net

الْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلٰوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ النُّبُوٰتِ
أَمَّا بَعْدُ فَاعُوذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيمِ يَسِّرْ اللّٰهُ الرَّحْمٰنُ الرَّجِيمُ

Du'a y'okusoma Ekitabo

S oma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kija kukusobozesa okujukira byonna byosomye, **إِنْ شَاءَ اللّٰهُ عَزَّ وَجَلَّ**:

اللّٰهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَانْشُرْ
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ

Okuvvunnula:

Ayi Allah عَزَّ وَجَلَّ! owekitiibwa, Tuggulirewo omulyango g'wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma.

(Al-Mustatraf, vol. 1, p. 40)

Wetegereze: Saalira Nabī ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga omalirizza.

OLUKALALA LW'EBIRI MU KITABO

Eddagala Eriwonya Obusungu.....	1
Obulungi bwa Salat-'Alan-Nabi ﷺ	1
Emitego gyा Sitaani esatu	2
Abantu abasinga obungi bajja kuyingira Geyeena olw'obusungu .4	
Ennyonyola y'obusungu.....	5
Ebibи 16 ebizaalibwa obusungu.....	5
Eddagala ery'omugaso eriwonya obusungu	7
Amawulire amalungi ag'Eggulu	8
Ani alina amaanyi?	8
Obulungi mu kufuga obusungu.....	9
Engero 7 ezizzaamu amaanyi mu bukkiriza.....	9
Obusungu buwonye mu ngeri eno wammanga.....	11
Omeweereza yatuuka kikeerezi	12
Okutangirira olw'okukuba.....	12
Obulokozi buli mu kusonyiwa kwokka	13
Omunnyo oguyitiridde mu mmere.....	14
Obulungi mu kufuga obusungu.....	14
Sitaani yabuuka mu nsonga z'okwesasuza.....	14
Obulokozi obutuusibwako abo abasirika	16
Kola ebirungi, era ofune ebirungi.....	16
Obukkakkamu bwongera ku bulungi.....	17
Obulungi bw'okusonyiwa nga bukyali.....	17
Omuwala ow'omu ggulu eri oyo afuga obusungu.....	17

Olukalala Lw'ebiri Mu Kitabo

Ensonga ssatu eziviirako okubalibwa okwangu.....	18
Obugumiikiriza bwa A'la Hadrat nga afunye ebbaluwa ezivuma	18
Obugumiikiriza bwa Maalik Bin Dinar ﷺ.....	19
Abantu abaty Katonda tebalumya wadde munyeera	21
Ye busungu buli Haraam?.....	21
Ensonga emu ey'okutuuka ku kitangaala eky'omwoyo ekya Iman mu mutima	22
Wazifa nnya ez'okugoba obusungu:.....	23
Ebika 13 eby'Eddagala eriwonya obusungu	24
Madani Channel – Global Coverage Parameters	27

الْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعَلَمِينَ وَالصَّلٰوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيمِ ۝ يٰسِمُ اللّٰهُ الرَّحْمٰنُ الرَّجِيمُ

Eddagala Eriwonya Obusungu¹

Sitaani tajja kukuleka kusoma katabo kano mu bujuvu, nsaba ogezeeko okusoma akatabo kano mu bujuvu, oleetere Sitaani obutafuna buwanguzi mu kulumba kwe.

Obulungi bwa Salat-‘Alan-Nabi ﷺ

Rasool Omwagalwa era Ow’emikisa صَلَّى اللهُ عَلٰيهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Ekiro erikeesessa olwaleero, nalabye ekintu ekyewuunyisa. Omusajja okuva mu Ummah yange eyali asala omutala gwa Siraat², nga yeesikambula, n’oluusi nga yeekulukuunya ku maviivi ge. Mu kiseera ekyo, Salat gye yali yansindikira, yatuuka, yamuleetera okuyimirira ku lutindo okutuuka we yasomoka omutala.

(Al Mu’jam-ul-Kabeer, vol. 25, p. 281-282, Hadees 39)

صَلَّى اللهُ عَلٰى مُحَمَّدٍ صَلُوٰةٌ عَلَى الْخَيْبَرِ

¹ Omusomo guno gwaweebwa Ameer-e-Ahl-e-Sunnat داھت ترکائیفہ الغالیہ mu Ijtima’ ey’ennaku 3 eya Da’wat-e-Islami mu Madina-tul-Awliya, Ahmadabad, India ku nnaku z’omwezi 24th, 25th ne 26th eza Rajab-ul-Murajjab 1419 AH. Wano guyanjuddwa mu ngeri y’akatabo nga mulimu ennongoosereza ezeetaagisa.

² Omutala oguli waggulu wa Gyeena. Mugonvu okusinga oluviiro ate nga musongovu oludda olusala olw’ekitala. Buli muntu ajja kuteekewba okugiyitako.

Eddagala Eriwonya Obusungu

Emitego gyā Sitaani esatu

Sayyiduna Faqih Abu Lays Samarqandi ﷺ yagamba mu *Tanbih-ul-Ghafileen*: Sayyiduna Wahb Bin Munabbih رَحْمَةُ اللَّهِ عَلَيْهِ yagamba: Omusajja omutya Katonda mu ba Bani Israel, lumu yagenda ewantu awamu. Mu kkubo, amangu ago olwazi ne lugwa okuva waggulu nga luli kumpi n'omutwe gwe. Yatandika Zikr ya Allah era n'eruvaawo. Oluvannyuma empologoma n'ensolo ezitiisa zaalabika mu maaso ge, naye teyasattira n'agenda mu maaso ne Zikr ya Allah. Omusajja omutya Katonda bwe yatandika Salah ye, omusota ne gwezingako ekigere kye, ne gwekulukuunya ku mubiri gwe ne gutuuka ku mutwe gwe.

Omusajja oyo omutya Katonda bwe yandibadde agenderera okukola Sajdah (okuvunnama), omusota gwali gwezingako mu feesi ye. Bwe yakutamanga omutwe gwe okuvunnama, gwayasamya akamwa kaagwo ng'olinga ogugenda okumuluma, naye omusajja omutya Katonda n'aguggyawo era n'avunnama bulungi. Bwe yamala Salah ye, olwo Sitaani n'alabikira mu ngeri yaayo entuufu mu maaso ge n'agamba nti, 'Nze nnakukola bino byonna. Oli muntu muvumu nnyo. Nkukwatibwako nnyo. N'olwekyo, nsazeewo nti sijja kuddamu kukubiriza nga mpita mu kuwuubaala okubi. Nsaba obeere mukwano gwange.'

Ng'alemesa okugezaako okulala okwa sitaani, omusajja omutya Katonda yagamba nti, 'Wagezezaako okuntiisa, naye 3 45 , Ssaafuna kutya. Sijja kuba mukwano gwo.' Sitaani yagamba nti,

‘Kale, mbuuza embeera y’amaka go, kiki kye banaayitamu oluvannyuma lw’okufa kwo.’ Omusajja eyali atya Katonda n’amuddamu nti, ‘Setaaga kukubuuza.’ Oluvannyuma Sitaani n’agamba,

‘waakiri mbuuza engeri gye nlimba abantu.’ Omusajja omutya Katonda n’agamba nti: Yee, mbuulira ekintu kino. Sitaani yagamba nti: Nnina emitego esatu:

1. Obukodo
2. Obusungu
3. Okutamiira.

Ng’annyonnyola emitego gino gyonna esatu, yagamba nti: Bwe nsuula omutego gw’obukodo, yeenyigira mu mutego gw’obugagga, nsigala mmujjukiza nti alina ssente ntono nnyo.

N’olwekyo, oluvannyuma lw’okufuuka ekizibu ky’obukodo, yeewala n’okusaasaanya ssente ku nsonga ezikakatako, era n’asikirizibwa obugagga bw’abalala; bwe kityo, ng’asibiddwa mu mululu gw’obugagga, yeebbira mu kitooke ky’ebibi.

Bwe nsobola okuleetera omuntu okugwa mu mutego gw’obusungu, muzannyisa, ne mmusuula mu kibinja kyange ekya Sitaani, ng’abaana bwebazannya n’omupiira. Nga tetufuddeeyo ku kitibwa kya waggulu omuntu omunyiivu ky’atuusibwako mu kumanya n’ebikolwa, ne bw’aba asobola okuzuukiza abafu olw’e Du’a ze; nsigala tammalaamu maanyi. Bulijjo nnina essuubi nti ajja kuva mu mbeera era mu kiseera

Eddagala Eriwonya Obusungu

ekimu oba ekirala, mu busungu obw'okubutuka, ajja kwogera ekintu ng'ekyo ky'ekigenda okusaanyaawo Akhira ye.

Ate ku ky'okutamiira, omuntu agwa mu mutego guno, (i.e., abatamiivu), mmutwala awatali kufuba nga mwolekeza eri ekibi kyonna, engeri omusumba gy'atwalamu endiga ze.

Mu ngeri eno, Sitaani yannyonnyola omugaso gw'omusajja omunyiivu: Ku Sitaani, tasukka mupiira mu mikono gy'abaana. Y'ensonga lwaki buli anaanyiiga alina okuba n'bugumiikiriza aleme kufuuka musibe wa Sitaani, ekivaamu okwonoona ebikolwa bye ebirungi ebiyinza okubaawo.' (*Tanbih-ul-Ghafileen*, p. 110)

صَلَّى اللّٰهُ عَلٰى مُحَمَّدٍ صَلَّوْا عَلٰى الْحَبِيبِ

Abantu abasinga obungi bajja kuyingira Geyena olw'obusungu

Abooluganda Abasiraamu abaagalwa! Mu mboozi gye yayogera n'omusajja ono omutsya Katonda, Sitaani era yabikkula ensonga eno nti eri Sitaani, omusajja omunyiivu tasukka mupiira mu mikono gy'abaana. N'olwekyo, kyetaagisa okujjanjaba obusungu, sikulwa nga sitaani afuna ebikolwa byaffe ebirungi byonna okusaanawo, olw'obusungu bwaffe. Hujjat-ul-Islam, Sayyiduna Imam Muhammad Ghazali ﷺ yagamba mu kitabo *Kimiya-e-Sa'adat*: Kikakata (kiri Fard) okuwonya obusungu n'okuyita mu bizibu nga olaga obugumiikiriza nga

Eddagala Eriwonya Obusungu

bw'obujjanjaba. Kubanga abantu abasinga obungi bajja kuyingira Geyeena olw'obusungu bwabwe.

(*Kimiya-e-Sa'adat*, vol. 2, p. 601)

Sayyiduna Hasan Basri رَحْمَةُ اللَّهِ عَلَيْهِ yagamba: Ggwe omusajja! Mu mbeera y'obusungu, obuuka waggulu ne wansi nnyo, sikulwa ng'okubuuka okuddako kukunnyika mu Ggeyeena!

(*Ihya-ul-'Uloom*, vol. 3, p. 205)

صَلَوَاتُ اللَّهِ عَلَى مُحَمَّدٍ صَلُوْا عَلَى الْحَبِيبِ

Ennyonyola y'obusungu

Omunnyonnyozi omututumufu mu Quran ey'Ekitiibwa, Mufti Ahmad Yar Khan رَحْمَةُ اللَّهِ عَلَيْهِ yagamba: Obusungu kwe kuwlira kwa Nafs [omwoyo gw'omuntu] y'omuntu ekimuleetera okwesasuza ku mutnu omulala oba okumukaka okugenda.

(*Mirat-ul-Manajih*, vol. 6, p. 655)

Ebibi 16 ebizaalibwa obusungu

Obusungu buzaala ebibi ebiwerako ebisaanyaawo ennyo Akhira, okugeza::

1. Obuggya
2. Okugeya
3. Olugamba

Eddagala Eriwonya Obusungu

4. Ensaalwa
5. Okumenya enkolagana
6. Okulimba
7. Okuswaza abalala
8. Okutwala abalala ng'aba wansi wo
9. Amalala
10. Okuyomba mu ngeri etali ya bwenkanya
11. Okusekerera abalala
12. Okukutula enkolagana n'abooluganda
13. Obutagoberera mateeka
14. Okusanyuka olw'okubonaabona kw'omulala
15. Obutasiima, etc.

Mazima ddala singa omuntu asunguwalira omuntu ate n'afuna okufirwa kwonna, ow'olubereberye asanyuka olw'okunakuwala kwe era ne yeerabira ebirungi byonna eby'oluvannyuma bye yamukolera emabega n'akutula enkolagana naye. Abantu abamu obusungu bwabwe babutwala mu mutima ne busigala nga bukwekeddwa mu mitima gyabwe okumala emyaka. Olw'obusungu buno, tebagenda mu biseera byonna eby'essanyu oba eby'ennaku eby'omuntu gwe bakyawa.

abantu abamu, abalabika nga batya Katonda kyokka nga balaga obusungu bwabwe obukwese mu mitima gyabwe mu ngeri nti kati tebakymukolera kisa kyonna, nga bwe baali bakola edda era tebamuyisa bulungi era tebalaga kusaasira kwonna gy'ali. Bw'aba nga akoze Ijtima' yonna eya Zikr-o-Na'at etc., olwo olw'obutasanyuka n'okumatiza myoyo gyaabwe gyokka, beeggyako emikisa gy'enkuŋŋaana z'eddiini ng'ezo. Waliwo ebika by'abooluganda ebimu ne bw'abayisa bulungi atya; tebakyusangako makubo gaabwe amabi. Naye tetulina kuggwaamu maanyi.

Kigambibwa mu *Al-Jami'-us-Sagheer*: ‘صل مَنْ قَتَلَكَ’ (i.e., kuuma enkolagana n'oyo agisalako). (*Al-Jami'-us-Sagheer lis-Suyuti*, p. 309, *Hadees 5004*)

Maulana Jalaluddin Roomi رحمۃ اللہ علیہ agamba:

تو برائے وصل کردن آمدی نے برائے فصل کردن آمدی

Amakulu: Muzze kuteekawo miguwa, so si kugimenya.

صَلُوٰ عَلَى مُحَمَّدٍ صَلُوٰ عَلَى الْحَبِيبِ

Eddagala ery'omugaso eriwonya obusungu

Abooluganda Abasiraamu abaagalwa! Obusungu mu butuufu busobola okuwona singa omuntu anoonya okumanyisibwa ku bulungi bw'okufuga obusungu bwe n'okusonyiwa abalala. Buli lw'abuuka mu busungu, alina okugezaako okubufuga

Eddagala Eriwonya Obusungu

ng'afumiitiriza ku birungi ebiri mu kufuga obusungu. Kigambibwa mu *Sahih Bukhari*, omusajja yasemberera embuga ya Rasool Omwagalwa ﷺ era n'agamba mu bwetoowaze, ‘Owange Rasool Omwagalwa ﷺ! Nsaba ombuulirire.’ Rasool Omwagalwa era Ow'emikisa ﷺ yayanukula, ‘Tonyiiga.’ Mu bwetoowaze yasaba okubuulirirwa emirundi emirala ebiri era nga Rasool Omutukuvu ﷺ yamwanukula mu ngeri y'emu, ‘Tonyiiga.’ (*Sahih Bukhari*, vol. 4, p. 131, Hadees 6116)

Amawulire amalungi ag'Eggulu

Sayyiduna Abu Darda رضي الله عنه yagamba: Nnabuuza mu bwetoowaze, ‘Ayi Rasool omwagalwa ﷺ! Nsaba ontegeeze ekikolwa ng'ekyo ekijja okunyingiza mu Jannah.’ Rasool Omwagalwa ﷺ yamwanukula، لَا تَنْقُبْ وَلَكَ الْجَنَّةُ (i.e., tonyiiga, olwo nno Jannah ejja kubeera yiyo).

(*Majma'-uz-Zawaaid*, vol. 8, p. 134, Hadees 12990)

Ani alina amaanyi?

Kigambibwa mu Sahih Bukhari nti: Omusajja ow'amaanyi si oyo omumezzi w'ekigo [era] asinga abantu (i.e. amaanyi g'omubiri), naye omusajja ow'amaanyi y'oyo eyefuga ng'ali mu mbeera y'obusungu. (*Sahih Bukhari*, vol. 4, p. 130, Hadees 6114)

صَلَوَاتُ اللَّهِ عَلَى مُحَمَّدٍ صَلَوَاتُ اللَّهِ عَلَى الْخَيْرِ

Obulungi mu kufuga obusungu

Kigambibwa mu *Kanz-ul-'Ummal* nti Rasool Omwagalwa era Ow'emikisa ﷺ yagamba: Oyo alina obusobozi n'amaanyi okulaga obusungu bwe, naye nga abufuga, ku lunaku lw'enkomerero, Allah aija kujzuza omutima gwe n'okusiiima Kwe. (*Kanz-ul-'Ummal*, vol. 3, p. 163, *Hadees 716*)

Eddagala eddala eriwonya obusungu kwe kuba nti omuntu bw'anyiiga, alina okujukira engeri y'obulamu n'engero z'abakulembeze abatya Katonda ﷺ.

Engero 7 ezizzaamu amaanyi mu bukkiriza

1. Hujjat-ul-Islam, Sayyiduna Imam Muhammad Ghazali رحمه الله علية yanokola mu *Kimiya-e-Sa'adat*: Omuntu yayogera mu ngeri ey'obugwenyufu ne Ameer-ul-Mu'mineen, Sayyiduna 'Umar Bin 'Abdul 'Azeez رضي الله عنه. Ye رضي الله عنه yakutamya omtwegwe n'agamba, 'Oyagala nnyiige olwo sitaani ansule mu malala g'okwekuluntaza n'obuyinza era nno nkutuuseeko obukambwe, ne ku lunaku lw'enkomerero, ojja kunoonya okusasulwa olw'ekyo okuva gyendi? Mazima ddala kino sijja kukikola.' Ng'ayogera bino, ye رضي الله عنه oluvannyuma n'asirika. (*Kimiya-e-Sa'adat*, vol. 2, p. 597)
2. Omuntu yavuma Sayyiduna Salman Farsi رضي الله عنه. Ye رضي الله عنه nayanukula, 'Ku lunaku lw'enkomerero, singa oludda lwange sins Ku lunaku lw'enkomerero, oludda

Iw'ebibi byange ku minzaani bwe luba nga luzitowa, olwo nze ndi mubi okusinga ekyo ky'ompise. Kyokka bwe kiba nga kiweweevu, olwo sifaayo ku bigambo byo eby'obuseegu.' (*Ithaf-us-Sadaat-il-Muttaqeen*, vol. 9, p. 416)

3. Omuntu yavuma Sayyiduna Shaykh Rabi' Bin Khusaym رَبِّيُّ اللَّهُ عَنْهُ. Ye رَبِّيُّ اللَّهُ عَنْهُ yagamba: Allah awulidde by'oyogedde. Waliwo ekiwonvu nga ngenda mu Jannah, era nkisalako. Bwemba nsobola okukikola, sifaayo ku by'oyogedde! Bwe nnemererwa, olwo obuseegu bwo tebummala. (*ibid*)
4. Omuntu yavuma Ameer-ul-Mu'mineen, Sayyiduna Abu Bakr Siddeeq رَبِّيُّ اللَّهُ عَنْهُ. Yamwanukula, 'Nnina n'ensobi endala nga zino, Allah z'akukwese.' (*Ihya-ul-'Uloom*, vol. 3, p. 212)
5. Omuntu yavuma Sayyiduna Sha'abi رَبِّيُّ اللَّهُ عَلَيْهِ. Yaddamu nti, 'Bw'oba oyogedde amazima, Allah ansonyiwe era bw'oba olimba Allah akusonyiwe.' (*Ihya-ul-'Uloom*, vol. 3, p. 212)
6. Sayyiduna Fudayl Bin 'Iyaad رَبِّيُّ اللَّهُ عَنْهُ yategeezewa nti waliwo eyali amwogerako obubi. Ye رَبِّيُّ اللَّهُ عَنْهُ yamwanukula: Nze ndayira Allah , mazima nja kunyiiza sitaani. Olwo n'asaba eDu'a, 'Ayi Allah ! Ebikyamu byonna by'anjogeddeko, bwemba nnina ensobi ezo olwo nsonyiwa era onlung'amye era bw'aba anvunaana eby'obulimba olwo musonyiwe.'

7. Omuntu yali ayogera bubi ku Sayyiduna Bakr Bin 'Abdullah Muznee ﷺ mu lwatu naye n'asirika. Waliwo eyabuuza Sayyiduna Bakr Bin 'Abdullah Muznee ﷺ mu bwetoozaze lwaki yali talina ky'ayogera mu kwesasuza. Ye ﷺ yamwanukula, 'Simanyi ku bibi bye byonna bye nnali nsobola okumwogerako obubi. Lwaki nfuuka omwonoonyi ow'amaanyi nga mmuvuma?'

شَفِقَ اللَّهُ! Bano abatukuvu ba Allah abaty Katonda baali bantu bakulu nnyo mu ngeri etategeerekeka abaali bafuga obusungu bwabwe mu ngeri ey'ekisa bwetyo. Baali bakimanyi nti okunyiiga n'okwesasuza ku muntu gw'ovuganya naye, olw'emyoyo gyaabwe, tekibaleetera kirungi kyonna.

*Sun lo nuqsan hi hota hay bil-aakhir un ko
Nafs kay wasitay ghussah jo kiya kertay hayn*

صَلَّى اللَّهُ عَلَى مُحَمَّدٍ صَلُّوا عَلَى الْخَيْرِ

Obusungu buwonye mu ngeri eno wammanga

Obulabe bw'obusungu bukuume mu birowoozo, kubanga oobusungu bwe businga okuzaala enjawukana n'okuyomba, enjawukana wakati w'abooluganda ababiri, okwawukana wakati w'omwami n'omukyala wamu n'obukyayi, obulabe n'okutuuka okwetingana. Nga kiva ku busungu, omuntu bw'asalawo okutandika okuyomba n'okulwana oba n'akola obulabe, olwo alina okwelung'amya mu ngeri eno: Ne bwe mba nfunye amaanyi agamu n'obuyinza ku balala, Allah alina

Eddagala Eriwonya Obusungu

amaanyi ku nze agataliiko kromo. Singa, mu mbeera ey'obusungu, nlumya omuntu yenna oba okutyoboola eddembe ly'omuntu yenna, olwo ku lunaku lw'enkomerero, ndiwona ntua obusungu bwa Allah ?

Omuweereza yatuuka kikeerezi

Rasool Omwagalwa ﷺ Lumu Rasool yayita omuweereza akole omulimu, naye yatuuka kikeerezi. Rasool Omwagalwa era Ow'emikisa ﷺ yali alina Miswak mu ngalo ze ez'omukisa. Ye ﷺ yagamba, ‘Singa okwesasuza tekwalina kubera ku lunaku lw'enkomerero, nandikozesezza Miswak eno oku...okukukuba.’ (*Musnad Abu Ya'la*, vol. 6, p. 90, *Hadees 6892*)

Okitegedde nti Rasool waffe Omwagalwa ﷺ Rasool teyeesasuzangako ku lulwe nga ye. Naye Omusiraamu ow'ennaku zino ayanukulira ensobi entonotono abaweereza be gyebakola mu ngeri nti akasuka ebivumo era ayinza n'okumukuba.

Okutangirira olw'okukuba

Kigambibwa mu *Sahih Muslim*, Sayyiduna Abu Mas'ood Ansari رضي الله عنه yagamba: Nnali nkangavvula omuweereza wange, awo ne mpulira eddoboozi emabega wange, . ‘Owange Abu Mas'ood! Olina okumimanya nti Allah alina obuyinza ku ggwe okusinga ggwe bwolina ku ye.’ Nakyuka era yali Rasool Omukimuvu ﷺ. Nagamba mu bwetooowaze, ‘Ayi

Rasool Omutukuvu مُوْحَدْ لِوْجِهِ اللّٰهِ . Mmutadde ku lw'okusiima kwa Allah . Rasool Omwagalwa صَلَّى اللّٰهُ عَلٰيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Singa tokikoze, waniyokeddwa mu muliro gwa geyena’ oba ye صَلَّى اللّٰهُ عَلٰيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Omuliro gwa Gyeena gwandibadde gukukwatako.’

(*Sahih Muslim*, p. 905, *Hadees 1658-35*)

Obulokozi buli mu kusonyiwa kwokka

Abooluganda Abasiraamu abaagalwa! Obadde weetegereza! Ba Sahaba ab'omukisa بَرْحَى اللّٰهُ عَنْهُ baalina okwewaayo okw'amaanyi eri Allah ne Rasool We Omwagalwa صَلَّى اللّٰهُ عَلٰيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ . Amangu ddala nga Sayyiduna Abu Mas'ood بَرْحَى اللّٰهُ عَنْهُ ategedde obutali bumativu bwa Rasool Omwagalwa صَلَّى اللّٰهُ عَلٰيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ ku kikolwa kye; teyakoma ku kulekera awo kubonereza muddu we naye era yamusumulula ng'okutangirira kwe ng'ate ayatula ensobi ye.

Ah! Ensangi zino abantu banenya abali wansi waabwe n'abato awatali nsonga ya Shar'i yonna era nga tebategedde nti Allah alina amaanyi agataliiko kromo okubasinga atunuulira ebikolwa byabwe eby'obutali bwenkanya n'okunyigirizibwa. Mazima obulokozi buli mu buwombeefu, empisa n'okusonyiwa kwokka.

صَلَّى اللّٰهُ عَلٰيْهِ وَسَلَّمَ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

Eddagala Eriwonya Obusungu

Omunnyo oguyitiridde mu mmere

Kigambibwa nti lumu mukyala w'omuntu yateekamu omunnyo omungi mu mmere. Yanyiiga nnyo kyokka n'asobola okufuga obusungu bwe ng'alowooza nti, 'Nange nkola ensobi nnyingi. Singa namuyisa bubi leero olw'ensobi ye, Allah era ayinza okunbonereza olw'ebibi byange ku lunaku lw'enkomerero.' N'olwekyo, ensobi eno yagibuusa amaaso nga talina ky'agambye mukyala we. Oluvannyuma lw'okufa kwe, waliwo eyamulaba mu kirooto n'amubuuza nti, 'Allah yakuyisa atya?' Yaddamu nti: Ebibonyoobonyo byali binaatera okuntuusibwako, olw'ebibi byange ebingi, Allah n'agamba nti, 'Omuddu wange yali ayongeddeko omunnyo mungi nnyo mu mmere ate nga wali osonyiye ensobi ye, nange nkusonyiwa leero nga mmuddiza ekikolwa ekyo eky'ekisa.'

صَلَّى اللَّهُ عَلَى مُحَمَّدٍ صَلَّوْا عَلَى الْحَبِيبِ

Obulungi mu kufuga obusungu

Kigambibwa mu Hadees ey'omukisa nti: Oyo yenna aziyiza obusungu bwe, ku lunaku lw'enkomerero, Allah ajja kumuwonya okubonyaabonyezebwa.

(Shu'ab-ul-Iman, vol. 6, p. 315, Hadees 8311)

Sitaani yabuuka mu nsonga z'okwesasuza

Abooluganda Abasiraamu abaagalwa! Omuntu bw'atandika okukuyoombesa oba okukukaayanya oba n'akwogerako obubi,

olwo obukuumi bwo obw'amazima buli mu kusirika kwokka, wadde nga Sitaani akusudya nnyo okwanukula, ng'akuwuuba mu mutima nti: Singa teweесасуа, olwo abantu bandikutwala ng'omuntu omukodo era ajja kuyisa ebigambo ebijerega mu ngeri eno, 'Ssebo! Gun si mulembe gwa kisa, abantu tebajja kukuleka kuwangaala singa otambuza obulamu bwo mu ngeri ey'ekisa bwetyo' etc

Ka nkunyonyole Hadees ey'omukisa, giwulirize n'obwegendereza. Ojja kukimanya nti oyo asirika mu maaso g'ebigambo by'abalala ebikambwe, ekikolwa kino kyennyini eky'okusirika kimutuusa okuseмberera okusaasira kwa Allah . Kigambibwa mu Musnad Imam Ahmad nti omuntu yayogera ekibi ku Sayyiduna Abu Bakr Siddeeq, ﷺ mu maaso ga Rasool Omwagalwa ﷺ, era omuntu oyo bwe yagenda mu maaso n'obujoozi bwe, Sayyiduna Abu Bakr Siddeeq ﷺ bwe yazzeemu ebimu ku bigambo bye. (Wadde yaddamu mu ngeri ey'ekitiibwa), naye Rasool Omwagalwa ﷺ yatambula okuva awo.Sayyiduna Abu Bakr Siddeeq ﷺ followed the Beloved Rasool ﷺ and humbly said, 'O Beloved Rasool ﷺ! Wagenda mu maaso n'okutuula ng'anjogerako obubi. Bwe nnamuddamu, n'ogenda.' Rasool Omwagalwa ﷺ 'Waaliwo malayika naawe eyali addamu omusajja oyo. Bwe watandika okuddamu ggwe kennyini, olwo Sitaani n'abuukamu.'

(*Musnad Imam Ahmad Bin Hanbal, vol. 3, p. 434, Hadees 9630*)

Eddagala Eriwonya Obusungu

Obulokozi obutuuusbwako abo abasirika

Abooluganda Abasiraamu abaagalwa! Oyinza okuba nga wejjusa okubaako ky'oyogera ng'okwesasuza, naye si ng'omaze okusirika. Kigambibwa mu Sunan-ut-Tirmizi: ‘مَنْ صَنَعَ نَارًا أَوْ أَسِيرَكَ، أَتَعْلَمُ كُلُّ أَعْلَمٍ’ (Sunan-ut-Tirmizi, vol. 4, p. 225, Hadees 2509)

Waliwo n'olugero olulungi ennyo olw'Oluurudu, ‘Okusirika akaseera kamu kuleeta emirembe okumala ebiseera kikumi.

صَلَّى اللَّهُ عَلَى مُحَمَّدٍ صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

Kola ebirungi, era ofune ebirungi

Sayyiduna Shaykh Sa'di رحمه الله عليه yanokola mu *Boostan-e-Sa'di*: Omusajja omu omutyu Katonda yali tayinza kwogera bubi ku muntu yenna wadde n'abalabe be ab'obuntu. Buli lwe yayogeranga ku muntu, yamwogererangako ebigambo ebirungi. Oluvannyuma lw'okufa kwe, waliwo eyamuloota n'amubuuza, ما فَحَلَ اللَّهُ بِكَ؟ *Allah yakuyisizza atya? Ng'awuliriza bino, yamwenya n'agamba mu ddoboozi eriwooma ennyo nti,* ‘Mu nsi, bulijjo nnafuba okwewala okwogera ebigambo ebibi ku balala. Ba Nakirayn (bamalayika abaasindikibwa okubuuza ebibuuzo mu ntaana) tebambuuza kibuuzo kizibu kyonna nabwekityo ebintu byali mu bulungi bwange.’ (*Boostan-e-Sa'di*, p. 144)

Obukkakkamu bwongera ku bulungi

Abooluganda Abasiraamu abaagalwa! Mukirabye nti okulaga obukkakkamu, okusonyiwa n'okugumiikiriza kivaamu emikisa egypt Obwakatonda. Singa tuyiga okusonyiwa abo abatulumya n'okutulaga nti tebatuwa kituibwa. Kigambibwa mu Sahih Muslim nti: Ekintu ekirimu obuwombeefu mu kyo, kiyooyootebwa, era bwebuggyibwa mu kintu kyonna, olwo nga kyonooneka. (*Sahih Muslim, p. 1398, Hadees 2594*)

Obulungi bw'okusonyiwa nga bukyali

Kigambibwa mu *Ihya-ul-'Uloom*: Omusajja omu yali asaba Du'a: Ayi Allah ! Sirina bugagga bwonna bwe nnyinza kuwaayo mu Sadaqah n'obuzirakisa. Kye nnina nti nsonyiye Omusiraamu yenna [nga bukyali] eyandiraze obutassa kituibwa gyendi. Rasool Omwagalwa ﷺ yafuna obubaka, 'Omuddu ono tumusonyiye.' (*Ihya-ul-'Uloom, vol. 3, p. 219*)

Omuwala ow'omu ggulu eri oyo afuga obusungu

Kigambibwa mu Hadees emu ey'emikisa eya *Abu Dawood*: Oyo afuga obusungu bwe wadde nga alina obusobozi n'amaanyi okukola, olwo ku lunaku lw'enkomerero, Allah ajja kumuyita mu maaso g'ebitonde byonna era amuwe obuyinza okulonda omuwala yenna ow'omu ggulu gw'ayagala. (*Sunan Abi Dawood, vol. 4, p. 325-326, Hadees 4777*)

Eddagala Eriwonya Obusungu

Ensonga ssatu eziviirako okubalibwa okwangu

Sayyiduna Abu Hurayrah ﷺ yagamba:

Oyo yenna alina engeri 3 zino wammanga, Allah aija kumuwa olubala nga lwangu ku lunaku lw'enkomerero era aija kumuyingiza mu Jannah, olw'okusaasira kwe:

1. Agabira oyo amumma.
2. Atabaganya n'oyo asala enkolagana naawe.
3. Asonyiwa oyo amunyigiriza.

(*Al-Mu'jam-ul- Awsat, vol. 4, p. 18, Hadees 5064*)

Obugumiikiriza bwa A'la Hadrat nga afunye ebbaluwa ezivuma

Singa tusobola okufuna okwegomba okw'amaanyi okuvvuunuka obusungu, okusobola okwetereeza, ng'abatusooka abatya Katonda ﷺ bwebaali bakola. Ne bwe baali banyigirizibwa emirundi emeka, bulijjo baalaganga omukwano eri abalala. Mu mbeera eno, kyogerwa mu 'Hayat-e-A'la Hadrat' nti Imam Ahmad Raza Khan رحمۃ اللہ علیہ lumu yafuna mail nga mulimu ebbaluwa ezimu ezaali zижjudde ebigambo ebivuma. Abaagazi be n'abagoberezi be baanyiiga ne baagala okuwawaabira abantu abaali basindikise ebbaluwa ezo ez'obuvumi.

Imam of Ahl-us-Sunnah, Maulana Ash-Shah Imam Ahmad Raza Khan رحمۃ اللہ علیہ yabagamba: Musooke mugabe ebintu eri

Eddagala Eriwonya Obusungu

abo abansiindikira ebbaluwa ezitendereza, olwo mulyoke muggulewo omusango ku abo abawandiika ebbaluwa ezo nga zижудде okuvuma.

(*Hayat-e-A'la Hadrat, vol. 1, p. 143*)

Kitegeerwa okuva mu kino nti bwe tutasasula abo abatutendereza, olwo lwaki twesasuza abo abatusobya.

صَلَّى اللَّهُ عَلَى مُحَمَّدٍ صَلَوَاتُ اللَّهِ عَلَى الْخَيْرِ

Obugumiikiriza bwa Maalik Bin Dinar رَحْمَةُ اللَّهِ عَلَيْهِ

Nga obugumiikiriza obutasuubirwa nnyo abatusooka abatya Katonda ﷺ bwebaali balina mu maaso g'obukambwe okuva mu bakaafiiri abakambwe! Era bakakkanya batya obusungu bwabwe. Kino katugezeeko okukitegeera nga tuyita mu lugero luno wammanga.

Sayyiduna Maalik Bin Dinar رَحْمَةُ اللَّهِ عَلَيْهِ lumu yakwata ennyumba ku bupangisa. Okumpi n'ennyumba ye, waaliwo ennyumba y'Omuyudaaya. Omuyudaaya oyo, olw'obusungu n'effutwa bwe, yasuulanga amazzi amakyafu n'obucaafu mu nnyumba ey'omukisa eya Sayyiduna Maalik Bin Dinar رَحْمَةُ اللَّهِ عَلَيْهِ okuyita mu mwala, naye ye Yasirikanga. Era awo olunaku lumu, omuntu oyo mu bwetooowaze n'abuuza Sayyiduna Maalik Bin Dinar رَحْمَةُ اللَّهِ عَلَيْهِ, 'Tolina buzibu bwonna ku bucaafu obuyita mu mwala gwange?' Sayyiduna Maalik Bin Dinar رَحْمَةُ اللَّهِ عَلَيْهِ Yaddamu mpola nti, 'Obucaafu bwonna bwe buyingira mu maka gange nga buyita mu mwala ogwo,

Eddagala Eriwonya Obusungu

mbweera nga bwembujjawo.' Omuyudaaya oyo yabuuza mu bwetoowaze nti, 'Tonyiiga wadde ng'olina ebizibu bingi?' Sayyiduna Maalik Bin Dinar صَلَّى اللَّهُ عَلَيْهِ وَاٰتَهُ خَلَقَهُ yamwanukula: Nnyiiga, naye nkiziyiza kubanga Allah yalambika mu Quran ey'Ekitiibwa:

وَالْكَٰٓظِمِينَ الْغَيْظَ وَالْعَافِينَ عَنِ النَّاسِ ۖ وَاللَّهُ يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ

Era abaziyiza néba fuga obusungu era abasonyiwa abalala. Era abantu ab'empisa ennungi baagalwa nnyo eri Allah.

[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 4, Aal-e- 'Imran, Ayah 134)

Olw'okuwuliriza eky'okuddamu kino, Omuyudaaya oyo yakkiriza Obusiraamu.

(Tazkira-tul-Awliya, p. 51)

Nigah-e-Wali mayn woh taseer daykhi Badalti hazaraun ki taqdeer daykhi

صَلَّى اللَّهُ عَلَى مُحَمَّدٍ صَلَوٰةُ الْخَيْرِ

Abooluganda Abasiraamu abaagalwa! Mulabye emikisa eminene egypt'ekisa n'obuwombeefu nti oluvannyuma lw'okuluñjamizibwa empisa za Sayyiduna Maalik Bin Dinar صَلَّى اللَّهُ عَلَيْهِ وَاٰتَهُ خَلَقَهُ oyo omuyudaaya yayingira mu kisibo ky'Obusiraamu.

Abantu abaty Katonda tebalumya wadde munyeera

Ekimu ku bubonero bw'abantu abaty Katonda kwe kuba nti katuve ku ky'okulumya Abasiraamu mu busungu, tebalumya wadde munyeera. Nga ayogera ku ayah eno wammanga ey'omukisa:

إِنَّ الْأَبْرَارَ لَفِي نِعْمَةٍ

Awatali kubuusabuusa, abalungi bali mu ssanyu.

[*Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)*] (Part 30, *Al-Mutaffifeen*, Ayah 22)

Sayyiduna Hasan Basri رحمه الله عليه yagamba: إِنَّ الْأَبْرَارَ لَفِي نِعْمَةٍ, i.e., pious ones are those who do not even hurt ants.

(Tafseer Hasan Basri, vol. 5, p. 264)

Ye busungu buli Haraam?

Endowooza esaasaanidde mu bantu nti 'obusungu Haraam'. Mu butuufu, obusungu nneewulira ya butonde etali ya kyeyagalire, era omuntu yeeyongera okugoberera obuzaale bwe. Guno si musango gwa muntu. Kyokka, okukozaesa obubi obusungu kikyamu. Mu mbeera ezimu, era kyetaagisiza ddala, okugeza mu kiseera ky'okulwanirira Obusiraamu, omuntu bw'atanyiiga, anaawangula atya abalabe ba Allah!

Wadde kiri kityo, obusungu buzaale bw'omuntu obuteewalika. Kyokka, buisaana okulagibwa mu ngeri ekkirizibwa. Okugeza,

Eddagala Eriwonya Obusungu

nga tannakwatagana na mbeera ya Madani eya Da'wat-eIslami, omuntu eyali yeenyigira mu kkampuni embi, era bweyafunanga obusungu, yakasukanga ebivumo era ng'akola obulabe ku balala mu mubiri. Mu bufunze, ekintu kyonna ekyali kikontana n'enfuga y'obusungubwe, yabwatukanga mu busungu, era mu kifo ky'okulaga obugumiikiriza, yayanukulanga.

Ekirungi bwe yafuna enkizo okukwatagana n'embeera ya Madani obwa Da'wat-e-Islami, yalaba emikisa gy'okutambula n'aba Madani Qafilah; ekyavaamu okulaga obusungu bwe mu ngeri eno n'akulaakulanya obukyayi n'obusungu eri abalabe ba Allah, abalabe ba Rasool Omwagalwa n'abalabe ba baswahaba ab'emikisa. Naye olw'obulungi bwe, alaga obugumiikiriza obutasuubirwa ne bw'ayisibwa bubi atya era emirundi emeka gy'anyiizibwa okulaga obusungu bwe. Mu kifo ky'okulaga enneewulira ez'amaanyi ez'obutasanyuka n'obulabe eri abalala, alaga obusungu bwe eri Nafs ye mu ngeri eno, 'Ssandikulekedde kukola kibi kyonna!' Mu bufunze, newankubadde omuntu alaga obusungu naye kati bulagibwa mu ngeri ekkirizibwa eky'omugaso ennyo eri Akhira y'omuntu..

Ensonga emu ey'okutuuka ku kitangaala eky'omwoyo ekya Iman mu mutima

Kigambibwa mu Hadees ey'omukisa nti: Omuntu afuga obusungu bwe wadde nga alina obusobozi n'amaanyi

okubukolerako, Allah ajja kujjuza omutima gwe obumativu wamu n'obukkiriza. (*Al-Jami'-us-Sagheer lis-Suyuti*, p. 541, *Hadees 8997*)

Kitegeeza nti omuntu bwafuna obuzibu bwonna okuva eri omuntu yenna n'anyiiga, era ne bw'aba n'obusobozi n'amaanyi okwesasuza ku muntu oyo, naye olw'okusiimibwa kwa Allah kwokka , n'afuga obusungu bwe, Allah ajja kumuwa emirembe mu mutima era ajja kujjuza omutima gwe n'ekitangaala ky'omwoyo eky'obukkiriza. Kino kiraga nti oluusi obusungu buba bwa mugaso singa omuntu afuna enkizo okubufuga.

صَلُّوا عَلَى مُحَمَّدٍ صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

Wazifa nnya ez'okugoba obusungu:

1. Oyo eyeenyigira mu bibi olw'obusungu alina okusoma 'بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ' emirundi 21 oluvannyuma lwa buli Salah ya Fard era akole Damm (okufuuwa omukka gw'akamwa) ng'ayolekera ye kenniyini. Bw'aba alya, alina okubisoma emirundi esatu n'afuuwa ku mmere, olwo n'addamu okubisoma emirundi esatu n'afuuwa ku mazzi.
2. Nga otambula, wettanire nnyo okusoma : 'يَا اللَّهُ، يَا رَحْمَنُ، يَا رَحِيمُ' .
3. Nga otambula sigala nga osoma : 'يَا أَرْحَمَ الرَّاحِمِينَ' .
4. Soma Ayah eno wammanga emirundi 7 buli lunaku:

Eddagala Eriwonya Obusungu

وَالْكَظِيمُونَ الْغَيْظَ وَالْعَافِينَ عَنِ النَّاسِ ۝ وَاللَّهُ يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٣٤﴾

(Part 4, Surah Aal-e-'Imran, Ayah 134)

Ebika 13 eby'Eddagala eriwonya obusungu

Obusungu bwe bukuwangula, weewonye n'eddagala lyonna
oba wesimuule eddagala lyonna nga bwe weetaaga:

1. Soma Ta'awwuz .
أَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ السَّيِّطِنِ الرَّجِيمِ.
2. Soma *وَلَا تَخْنُونَ وَلَا تُفْرِجُنَّ أَلَيْهِ*
3. Sigala ng'osirise.
4. Funa Wudu.
5. Wunyiriza amazzi mu nnyindo.
6. Bw'oba oyimiridde, olwo tuula.
7. Bw'oba otudde, olwo galamira wansi weekwate ku ttaka.
8. Olina okuteeka ettama lyo ku ttaka. Bw'oba oli mu mbeera ya Wudu, olwo kola Sajdah omanye nti okoleddwa mu bbumba era mubutuufu tolina kunyiigira muntu. (*Ihya-ul-'Uloom, vol. 3, p. 388-389*)
9. Olina okuvawo okumpi n'omuntu gw'onyiigidde

10. Fumiitiriza ku kino nti bw'onyiigira omuntu yenna, olwo naye ajja kunyiiga era ajja kwesasuza, era sisaanye kutwala mulabe yenna nti munafu.
11. Bw'oba oboggoledde omuntu yenna mu busungu, mubwetoowaze mumwetondere mu lujjudde. Mu ngeri eno, Nafs ejja kuswazibwa era kino kijja kufuuka amagezi gy'oli omulundi oguddako anti ojja kujukira okuvuma kwo ng'onyiize omuntu mu maaso era bw'otyo bw'okola kino oyinza okugoba obusungu.
12. Omuntu alina okukirowoozaako obulungi ku lulwe nti leero singa nnyiiga olw'ensobi y'omuntu omulala era nga siri mwetegefu kumusonyiwa, wabula, nnina ensobi nnyingi; singa Allah tansiima era bwaba nga tansonyiwa olwo embeera yange yandibadde etya?
13. Omuntu bw'akuyisa mu ngeri etali ya bwenkanya oba n'akola ensobi n'omunyiigira ku lwa Nafs yo, awo okusonyiwa omuntu ono nsibuko ya mpeera. N'olwekyo, mu kiseera ng'ekyo, lowooza mu mutima gwo nti, 'Lwaki sisaanidde kufuuka asaanira kuweebwa mpeera.'

Era nga empeera etali ya bulijo eyogerwa mu Hadees ey'emikisa: Okulangirira kujja kukolebwa ku lunaku lw'enkomerero nti abo empeera yaabwe eri ku kusaasira kwa Allah, bayimirire bayingire mu Jannah. Kijja kubuuzibwa nti: Empeera eno ya ani? Ajja kugamba nti: Ya bantu abo abasonyiwa. Olwo enkumi n'enkumi

Eddagala Eriwonya Obusungu

z'abantu bajja kuyimirira bayingire mu Jannah awatali
kubalibwa kwonna .

(*Al-Mu'jam-ul-Awsat lit-Tabarani, vol. 1, p. 542, Hadees 1998*)

Oluvannyuma lw'okusoma ekitabo kino, mazima
ojjakwagala okumanya oyo eyakiwandiika.
Kyawandiikibwa oyo nno nno Omulunngamya
w'emyoyo era Omumanyi omwatiikirivu ennyo mu kyasa kya
21st, 'Allamah Maulana Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar
Qadiri Razavi دَافِثُ بَرْعَالِيَّةِ الْعَالَمِيَّةِ yeyatandikawo Dawat-e-Islami
(ekibiina ky'ensi yonna ekitali kya byabufuzi ekibuulirira
Quran ne Sunnah) ekisasaanya okumanya kw'obusiraamu mu
ngeri 93 ez'empangaala zóbulamu. Bwoba nga oyagala
kumanya ku mutandisi wa Dawat-e-Islami, ebitabo bye,
obutabo bwe wamu n'emikono gya Dawat-e-Islami
egy'enjawulo, lambula omutigambano guno:
www.dawateislami.net.

Ekirala, Dawat-e-Islami esasaanya obubaka bwóbusiraamu mu
nsi yonna nga eyitira mu Madani Channel, omukutu gwa
terefayina ogukolera ku busiraamu 100%. Koobere wa mu nsi
ynona, bwoba nga oyagala kulaba Madani Channel, olwo nno
goberera ensika eziweereddwa. Bwoba nga oyagala
kututuukirira, olwo nno tufunira ku:
overseas@dawateislami.net

Madani Channel – Global Coverage Parameters





Transmission: Digital

Satellite	Beam Type	Position	Downlink	Hz.	Polarity	Sym. Rate	FEC
Asiasat (A7-C3V)	Global	105.5 E	C-Band	3739	Vertical	2815	3/4
Intelsat 20	Africa Region	68.5 E	KU-Band	12562	Horizontal	26657	2/3
Eutelsat 7	Middle East	7 West A	KU-Band	10815	Horizontal	27500	5/6
Astra 2F	Europe	28.5 E	Sky Platform	12640	Vertical	22000	5/6
Galaxy 19	USA	97 West	KU-Band	121835	Horizontal	22000	3/4

FOR BECOMING A PIous AND SALAH-OFFERING MUSLIM

Spend the whole night in the weekly Sunnah-inspiring Ijtimā' of Dawat-e-Islami held every Thursday after Salat-ul-Maghrib in your city, for the pleasure of Allah عَزَّوجَلَّ with good intentions. In order to learn Sunnahs, make it your routine to travel with a 3-day Madani Qafilah every month with the devotees of Rasool, to fill out the Madani In'amat booklet every day practising Fikr-e-Madinah and to submit it to the relevant responsible Islamic brother of your locality on the first date of every Madani month.

My Madani Aim: 'I must strive to reform myself and people of the entire world, اِن شاء الله عَزَّوجَلَّ.' In order to reform ourselves, we must act upon Madani In'amat and to strive to reform people of the entire world, we must travel with Madani Qafilahs, اِن شاء الله عَزَّوجَلَّ



Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan
UAN: +92 21 111 25 26 92 | Ext: 7213

Web: www.dawateislami.net | E-mail: translation@dawateislami.net